# Eyafunye obubonero 9 anoonya amujuna



Bya TONNY NSOONA

OMUYIZI wa Nakanyonyi P/S, erisangibwa e Bugembe mu kibuga Jinja, eyanywedde mu banne akendo mu ssomero lino Frank Mpendo **(ku kkono)** n'obubonero 9, agamba nti mweraliikirivu olw'obutamanya ky'azzaako.

Yagambye nti yasigaza nnyina yekka mu bulamu bwe kyokka naye yafuna obuzibu nga mu kiseera kino ali mu kkomera. Mpendo kati abeera ne Sengaawe, atalina busobozi kumusasulira bisale bya ssomero.

"Nneebaza, omukulu w'essomero n'abasomesa bange abankwatirwa ekisa ne nsobola okutuulirayo ebigezo byange. Naye nsaba yenna alina obuyambi akwatireko nsome siniya," Mpendo bw'agamba. Yasibaganye ne Rayan Izimba ku bubonero 9.